اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَ الصَّلٰوةُ وَ السَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ؕ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ؕ

E Duwa Y'okusoma Ekitabo

Soma e Duwa eno nga tonnatandika kusoma kitabo kyonna eky'eddiini oba omusomo gwonna ogw'eddiini. Kino kijja kukusobozesa okujjukira byonna byosomye: اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ

اَللّٰهُمَّ افْتَحْ عَلَيْنَا حِكْمَتَكَ وَانْشُرْ
عَلَيْنَا رَحْمَتَكَ يَا ذَا الْجَلَالِ وَالْاِكْرَام

Okuvvuunula

Ayi Allah عَزَّوَجَلَّ owekitiibwa, Tuggulirewo olujji l'wokumanya n'okutegeera, era obe n'ekisa wamu nokusaasira gyetuli. Mazimaddala Ggwe asinga ekitiibwa, era wasukkuluma.

(Al-Mustaṭraf, vol. 1, pp. 40)

Note: Saalira Nabī صَلَّى اللّٰهُ عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم nga tonnasoma Duwa eyo, n'era nga ojimalirizza.

www.dawateislami.net

سِیاہ فام غُلام

Siyah Fam Ghulam

Omuddu omuddugavu

Ekitabo kino kyawandiikibwa mu lulimi olu Urdu Shaykh-e-Tariqat Amiir-e-Ahl-e-Sunnat, ng'ono ye mutandisi wa Dawat-e-Islami Allamah Maulaana Abu Bila Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi. Olukiiko oluvunaanyizibwa ku mulimu gwokuvvuunula nalwo lusazeewo okukivvuunula mu lulimi oluganda. Bw'osangamu ensobi yonna mukuvvunula, tegeeza olukiiko kundagiriro eno wammanga n'ekigendererwa ekyokufuna empeera. [Sawaab]

Majlis-e-Tarajim (Dawat-e-Islami)

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah, Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

UAN: ☎ +92-21-111-25-26-92 – Ext. 7213

Email: ✉ translation@dawateislami.net

www.dawateislami.net

‘Omuddu omuddugavu’

Enzivunnula mu lulimi Oluganda ey’ekitabo ‘Siyah Fam Ghulam’

*Bino wammanga birekeddwa mu lulimi olungereza

◆

ALL RIGHTS RESERVED

Copyright © 2016 Maktaba-tul-Madinah

No part of this publication may be reproduced, or transmitted, in any form or by any means, electronic, mechanical, photocopying, recording or otherwise, without the prior written permission of Maktaba-tul-Madinah.

1st Publication: Safar-ul-Muzaffar, 1438 AH – (Nov, 2016)

Publisher: Maktaba-tul-Madinah

Quantity: 3000

ISBN:

SPONSORSHIP

Feel free to contact us if you wish to sponsor the printing of a religious book or booklet for the Isal-e-Sawab of your deceased family members.

Maktaba-tul-Madinah

Aalami Madani Markaz, Faizan-e-Madinah Mahallah Saudagran, Purani Sabzi Mandi, Bab-ul-Madinah, Karachi, Pakistan

✍ **Email:** maktabaglobal@dawateislami.net – maktaba@dawateislami.net

✆ **Phone:** +92-21-34921389-93 – 34126999

💻 **Web:** www.dawateislami.net

www.dawateislami.net

Table of Contents

Omuddu omuddugavu* 1
Obulungi bw'okusoma Salat-'Alan-Nabi ﷺ 1
1. Omuddu omuddugavu 2
2. Ffeesi entangaavu 4
3. Ekitangaala ky'omubiri gwa Nūr 5
4. Ebiseenge byatangaala 5
5. Empiso ebuze 6
6. Obujjukizi obwamanyi bwawebwa 8
Sigala ng'owuliriza embulirira ezagazisa Sunnah 9
Engeri gyennawona enzikiriza enkyaamu! 10
7. Okumanya kw'ebitalabwa 11
8. Engamiya etiisa 13
9. Empologoma zajja 14
10. Abazadde bazuukusibwa 15
Abazadde ab'ebitiibwa baali bakkiriza mu katonda omu 16
Abazadde ab'ebitiibwa bakuyingira mu Jannah 17
11. Embuzi enfu yazuukira nenyenya amatu gayo 18
12. Abaana bazukira okuva mu bafu 20
Avvoola teyakkirizibwa ttaka 23
Okuwakanya okumanya kwa Nabbi kuleeta okufa okubi 24
Ebimuli 14 ebya Madani ebikwaata ku kubuuza n'engalo 25
Okukwata mu ngalo zabalala kijjawo obukyaayi 26
Nnali ndaba nnyo firimu eziva ebweeru 29
Okwagala abalongoofu bwekireeta empeera! 30
Ebirungi 8 eby'okwagala ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ 31
Okuwandiika ekifo kya Salat kiri Haram 32

www.dawateislami.net

اَلْحَمْدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيْنَ وَ الصَّلٰوةُ وَالسَّلَامُ عَلٰى سَيِّدِ الْمُرْسَلِيْنَ
اَمَّا بَعْدُ فَاَعُوْذُ بِاللّٰهِ مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ؕ بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ؕ

Omuddu omuddugavu*

Ne wankubadde Shaytan ekuteeka okuwulira obugayaavu, soma akatabo kano konna mu bujjuvu. Ojjakugenda mu mbeera y'okweuwuunya ennyo, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ.

Obulungi bw'okusoma Salat-'Alan-Nabi صَلَّى اللّٰهُ عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم

Nabbi Omwaagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Jibrail yangamba nti Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba, "Owange Muhammad! Toli musanyufu nti omu ku ba Ummah yo bwebakusindikira Salat omulundi gumu ate Nze mbafukumukako ensaasira kkumi, ate omuntu yenna mu Ummah yo bwakusindikira Salam emu, musindikira Salam kkumi gyaali."

(Mishkat-ul-Masabih, vol. 1, pp. 189, Hadis 928)

Omunyonyozi omukenkufu amanyiddwa ennyo Mufti Ahmad Yar Khan Na'imi رَحْمَةُ اللّٰهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, "Allah okusindika Salam

* Amir-e-Ahl-e-Sunnat دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَه yawa omusomo guno nga 12 Rabi'-ul-Awwal (1430 AH) mu Milad Ijtima' eya Dawat-e-Islami, ekibiina eky'ensi yonna ekitali kya byabufuzi ekisasanya Quran ne Sunnah. Omusomo ogwo gwe guno oguteredda mu buwandiike n'enkyusakyusa ezimu wano ne wali.

www.dawateislami.net

kitegeeza okuteeka ba malayika okumusindikira Salam oba okumukuuma okuva ku bizibu n'emitawaana.

(Mirat-ul-Manajih, vol. 2, pp. 102)

Mustafa jan-e-rahmat pay lakhaun Salam
Sham'-e-bazm-e-hidayat pay lakhaun Salam
صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

1. Omuddu omuddugavu

Lumu waaliwo ekikoosi ekyaali kitambula mu ddungu ly'Obuwarabbu. Abatambuze baggwaako amazzi mu lugendo. Ngabakooye nnyo era nga balumwa enyonta enyingi ennyo, baali bali kumpi n'okufa naye nebafuna omukisa omunene ennyo. Mu mbagirawo, Nabbi omwagalwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yajja okubayamba era abatambuze bonna bassa ekikkowe. Rasūl omumanyi wa Ghayb, Omubiri gwa Nur صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, "Emabega w'olusozi olwo, waliwo omuddu omuddugavu ku ngamiya enkazi ali mukuyitawo kati: alina eddiba ly'amazzi, mu muleete gyendi n'engamiya ye."

Nabwekityo, abamu ku bbo bagenda ku ludda lw'olusozi olwo olulala era nebalaba omuddu omuddugavu eyali avuga engamiya enkazi. Bamuleeta eri Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Ye صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yamujjako eddiba ly'amazzi ago n'agamba ng'aliggulawo, "Abange abantu abalumwa enyonta! Mujje mukkuse enyonta yammwe." Nabwekityo bonna bonna banywa

www.dawateislami.net

amazzi, nebakkusa enyonta zabwe era nebajjuza ensuwa zabwe. Ng'alabye ekyamagero kino, omuddu omuddugavu yanywegera engalo ez'emikisa eza Nabbi Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yayisa omukono gwe ogw'emikisa ku ffeesi (ekyenyi) y'omuddu oyo.

Fffeesi enzirugavu ey'omuddu oyo yakyukirawo neyakayakana nga njeru ng'omweezi omujjuvu okuyaka mu krio ekikutte enzikiza ennyo nga ekitangala ky'emisana. Nga ki mwewunyizza nnyo, omuddu omuddugavu oyo yasomerawo Kalimah Shahadah n'ayingira obusiraamu. Mu ngeri eno, omutima gwe nagwo gwatangazibwa. Bweyaddayo eri mukamawe oluvannyuma lw'okusiramuka, mukamawe yali tayinza kumutegera. Omuddu yagamba, "Nze muddu wo." Mukamawe yaddamu, "Yali muddu nga muddugavu." Omuddu yaddamu, "Oli mutuufu, naye nsiramuse era nzikirizza obuddu bwa Nabbi Muhammad صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم eyatangazizza ffeesi yange ng'omwezi omujjuvu. Mu kinywi kye eky'emikisa, langi embi zonna zivaawo ate ekizikiza ky'obutakkiriza n'ebibi nakyo kijjibwaawo. Tekyewunyisa nti langi enzirugavu eya ffeesi yange ekyusiddwa nempebwa enjeru eyakayakana." *(Derived from Masnawi translated, pp. 262)*

Jo gada daykho liye jata hay tawra nur ka
Nur ki Sarkar hay kya is mayn tawra nur ka

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Nsaba obulamu bwange bu saddaakibwe ku lw'obusukkulumu bwa Nabbi Omwagalawa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم! اَللّٰه! اَللّٰه! Ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yalagirawo mu bwa Nabbi bwe mu ngeri eyamangu era etegerekeka nti omusajja eyali ayita kumpi n'olusozi yali muddugavu ate yali avuga engamiya enkazi era nga alina eddiba ly'amazzi. Olwo nno, ku lw'obugabi bwa Allah عَزَّوَجَلَّ, ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yakola ekikolwa eky'amagero nti amazzi gaamala abatambuze bonna ate nga tegakendedde yadde, ate eddiba ly'amazzi lyasigala nga lijjude. Ate, ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yayisa omukono gwe ogw'emikisa ku ffeesi y'omuddu oyo omuddugavu, n'ayakayakanya si ffeesi ye yokka wabula n'omutima gwe ate namukubiriza okuyingira mu busiraamu.

Nur wala aya hay Nur lay ker aya hay

Saray 'alam mayn yeh daykho kaysa Nur chaya hay

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

2. Ffeesi entangaavu

Sayyiduna Asid Bin Abi Anas رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yagamba, "Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم lumu yayisa omukono gwe ogw'emikisa ku ffeesi yange n'ekifuba kyange. Ku lw'emikisa gyekikolwa ekyo, buli lwennayingira nga mu nnymba ey'ekizikiza yonna, yali etangaala." *(Al-Khasais-ul-Kubra lis-Suyuti, vol. 2, pp. 142)*

Chamak tujh say patay hayn sab panay walay

Mayra dil bhi chamka day chamkanay walay

www.dawateislami.net

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

3. Ekitangaala ky'omubiri gwa Nūr

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Bwekiba nti Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم asobola okufuula ffeesi n'ekifuba ky'omuntu okutangaala olw'okubiyisa ko omukono gwe ogw'emikisa, awo nno obunene bw'ekitangaala kye ye kennyini صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم buli butya! Kiwandikiddwa mu Darimi nti Sayyiduna 'Abdullah Bin 'Abbas رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنْہُمَا yagamba, "Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم bweyogeranga, kyali kirabika nga Nūr yali eva mu kazigo k'amannyo ge amatukuvu." *(Sunan Dārimī, vol. 1, pp. 44, Raqm 58)*

Haybat-e-'ariz say tharrata hay shu'lah nur ka
Kafsh-e-pa per gir kay ban jata hay guppha nur ka

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

4. Ebiseenge byatangaala

Kiwandikiddwa mu Shifa: Enziji zonna n'ebiseenge byonna byaali bitangaala buli Omwagalwa era Ow'emikisa Nabbi صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم bweyamwenyanga. *(Ash-Shifa, pp. 61)*

Ab muskuratay ayiye su-ay gunahgar
Aqa andhayri qabr mayn 'Attar a gaya

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

5. Empiso ebuze

Sayyidatuna ‘Aishah Siddiqah رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنۡہَا yagamba, “Lumu nnali ntuunga engoye awaka mu kiseera kya Sahari (Ddaako); mu butanwa embiso yagwa okuva mu ngalo zange era n’ettaala yazikira. Mu kiseera kyekimu, Rasul Omumanyi wa Ghayb, Omubiri gwa Nur صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yayingira ewaka, era amaka gonna gatangaala ne Nur y’affeesi entangaavu eya Nabbi Omwagalwa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم ate n’empiso eyali ebuze nnajiraba.’

(Al-Qaul-ul-Badi’, pp. 302)

Sūzan-e-gumshudah milti hay tabassum say tayray

Sham ko subh banata hay ujala tayra

(Zauq-e-Na’at)

صَلُّوۡا عَلَی الۡحَبِیۡب صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلٰی مُحَمَّد

سُبۡحٰنَ اللّٰہ عَزَّوَجَلَّ! Nga kitendo kinnene nnyo ekyo ekya Nur ya Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم! Omuyonyozi omukenkufu Mufti Ahmad Yar Khan رَحۡمَۃُ اللّٰہِ تَعَالٰی عَلَیۡہ yagamba, “Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم ali Bashar (muntu) ate era ali Nur, i.e. ye صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم ali Nuri Bashar. Bwekituuka ku muburi gwe ogw’emikisa, ye صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم ali Bashar, naye mu mazima, ye صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم ali Nur.” *(Risalah Nur ma’ Rasail-e-Na’imiyyah, pp. 39-40)* Kiri kitya okuwakanya obuntu bwa Nabbi Omwagalwa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم? Abagalwa ab’oluganda abasiraamu! Awatali kubuusabuusa kwonna, obwamazima bwa Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیۡہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم buli nti ali Nur, naye kisigaze mu magezi go nti tekikkirizibwa kuwakanya buntu bwe. Imām Aḥmad Razā

www.dawateislami.net

Khan عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yagamba, “Okuwakanyiza ddala obuntu bwa Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم kiri Kufr (obutakkiriza).” *(Fatāwā Razawiyyaĥ, vol. 14, pp. 358)* Naye obuntu bwe tebulinga bwabantu balala, y’asinga obwawaggulu, obulungi era n’obunene mu bantu bonna.

Allah عَزَّوَجَلَّ agamba mu Quran Entukuvu:

قَدْ جَآءَكُمْ مِّنَ اللّٰهِ نُوْرٌ وَّ كِتٰبٌ مُّبِیْنٌ ﴿۱۵﴾

Indeed towards you has come a light from Allah, and a clear Book.

[Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 6, Surah Al-Maidah, verse 15)

Mazima ezze gyemuli ekitangaala okuva ewa Allah, era n’ekitabo ekitegerekeka.

Mu ayah eyo waggulu, Nur kitegeeza Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Sayyiduna Imam Muhammad Bin Jarir Tabari رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه (yafa mu 310 H) yagamba: (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) يَعْنِيْ بِالنُّوْرِ مُحَمَّدًا i.e. Nur kitegeeza Nabbi Omwagala صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. *(Tafsir-ut-Tabari, vol. 4, pp. 502)*

Imam Abu Bakr ‘Abdur Razzaq رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه, omumanyi wa Hadis amanyiddwa ennyo yawandiika mu kitabo kye “Al-Musannaf” nti Sayyiduna Jabir Bin ‘Abdullah Ansari رَضِیَ اللّٰهُ تَعَالٰى عَنْهُمَا yagamba: Nagamba, “Ya Rasulallah (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم)! Bazadde bange basadakibwe kululwo! Nkusaba ombulire kintu kki Allah عَزَّوَجَلَّ kyeyasooka okutonda?” Ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yaddamu, “Owange Jabir! Tewali kubusabusa, Allah عَزَّوَجَلَّ yatonda Nur ya

www.dawateislami.net

Nabbi wo Omwagalwa (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) okuva mu Nūr Ye yennyini ngatannaba kutonda bitonde byonna.' *(Fatawa Razawiyyah, vol. 30, pp. 658)*

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Okusobola okufuna okumanya okungi okukwaata ku 'Nur', soma ekitabo 'Risalah Nūr' ekyawandikibwa omunyonyozi omukenkufu era amanyiddwa enyo Mufti Ahmad Yar Khan عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن.

Marhaba aya hay kya mausim suhana nur ka
Bulbulayn gatin hayn gulshan mayn taranah nur ka
Nur ki barish chama-cham hoti ati hay Asir
Lo Raza kay sath barh ker tum bhi hissah nur ka

6. Obujjukizi obwamanyi bwawebwa

Sayyiduna Abu Hurayrah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ yagamba, "Nagamba Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, 'Ya Rasulallah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم! Mpuliriza byoyogera naye mbyerabira nnyo." Ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yaddamu "Abu Hurayrah (رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ)! Yanjuluza ekitambala kyo." Nakyanjuluza: Nabbi wa Rahmah, Omuwolereza wa Ummah, Nannyini Jannah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yateekamu ekintu ekimu n'engalo ze ez'emikisa nagamba, "Owange Abu Hurayrah (رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ)! Kisitule waggulu okiteeke ku kifuba kyo." Nagoberera ekiragiro. Okuva kwolwo (obujjukizi bwange bwafuuka bwamaanyi nnyo nti) serabira ngako kintu kyonna.

(Sahih Bukhari, vol. 1, pp. 62, 94, Hadis 2350)

www.dawateislami.net

Malik-e-kaunayn hayn go pas kuch rakhtay nahin
Dau jahan ki na'matayn hayn un kay khali hath mayn

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Sigala ng'owuliriza embulirira ezagazisa Sunnah

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Tutegedde nti Allah عَزَّوَجَلَّ yawa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم amanyi agenjawulo. Ng'ovudde ku kuwa ebintu ebikwatibwa ko, awatali kubuusabuusa, Nabbi waffe Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yawa ekintu ekita kwatibwako i.e. obujjukizi obwamaanyi ennyo eri omuddu we ate mukama waffe Sayyiduna Abu Hurayrah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ!

Okusobola okuwuliriza embuulirira nga zino ezizza obujja obukkiriza, kusaba kwange okwa Madani nti osigale nga wekutte ku mbeera ya Madani eya Dawat-e-Islami ejjude akawoowo akalungi, ejjude obwagazi bw'Omwagalwa Rasul صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Ojakuwuliriza embuulirira ez'emikisa ate ezagazisa Sunnah, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ. Obukkiriza bwo bujja kuzzibwa obujja mu kinywi ky'abagazi ba Rasul. Sigala ngawetaba mu Ijtimā ezagazisa Sunnah ate tambula ne Madani Qafilah. Bwekiba kisoboka, soma buli lunaku akatabo kamu akaafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah era owulirize ne odiyo oba vidiyo kaseti emu eyagazisa Sunnah, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ ojjakufuna emikisa ejitabalikika egy'eddiini n'ensi.

www.dawateislami.net

Engeri gyennawona enzikiriza enkyaamu!

Okukukumatiza, wano waliwo ekyafayo kya Madanī ekimu mu mpandiika yange ekikwata ku mikisa gya kaseti ne VCDs: Ow'oluganda omusiramu omu abeera mu Malkapur, ekibuga mu 'Hind Baghdadi' (India), yagamba, "Namala ebbanga erisukka mu myaka etaano nga ndi bweeru wa nsi yange, nga ndi kumpi n'abantu abalina enzikiriza enkyaamu era obubi bwabwe bwatandika okukosa enzikiriza yange entuufu. Namaliriza nenkomawo mu India era najja ne odiyo ne vidiyo kaseti 30 ez'enzikiriza enkyaamu. Ku lw'okusaasira kwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nasisinkana ow'oluganda omusiraamu eyali ayambadde ekitambala ekya kiragala. Yankolako kawefube wassekinoomu mu ngeri ye ey'enjawulo era nampa ekirabo kya VCD1 eyafulumizibwa Maktaba-tul-Madīnaĥ eya Dawat-e-Islami.

Bwennatuuka awaka, nazannya VCD eyo. اَلْحَمْدُ لِلّٰه عَزَّوَجَلَّ, nasigala nga ngiwuliriza era nesigala ng'eyoza obukyaafu bw'enzikiriza enkyaamu. VCD bweyagwaako, outima gwange gwayatulira wo nti abantu abalagiddwa mu VCD eyo mazima b'ebantu abatuufu abalungamizibbwa: ebyenyi byabwe byaali tebiraga bulimba. Neesuubiza nzekka nti siriva ku nzikiriza ntuufu ey'abantu abo bennali ndabye mu VCD eyo. Nasaanyizaawo ddala zonna odiyo ne vidiyo 30 zennali ndeese, obooli awo omusiraamu yenna ayinza okubuzibwa buzibwa olw'okuziwuliriza oba okuziraba."

Suna jungle rat andhayri, chai badli kali hay
Saunay wālon jāgtay raĥiyo, chauron kī rakĥ-wālī ĥay

www.dawateislami.net

Olw'amaanyi ag'obwakatonda agamuwebwa, Rasul omumanyi wa Ghayb, Omubiri gwa Nur صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم alina okumanya kwa Ghayb era akubikkulira abalala. Wano waliwo ekyafaayo ekizza obujja obukkiriza mu musomo guno. Kisome ojaganye.

7. Okumanya kw'ebitalabwa

Sayyidatuna Unaysah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهَا yagamba: Ttaata wange yangamba: Bwennalwaala, Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yannambula nagamba, "Obulwadde buno tebujja kukukosa nakamu; naye embeera yo enabeera etya ng'amaaso go gazibye ng'owangadde emyaaka mingi oluvannyuma lw'okugenda kwange?" Bwennawulira kino, naddamu, "Ya Rasulallah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم! Ekiseera ekyo njakusigala nga ndi mugumikiriza okusobola okufuna empeera." Ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, "Ojjakuyingira eJannah nga tobaliddwa bwokola bwotyo." Nolw'ekyo, amaaso ge gaziba oluvannyuma lw'okugenda (okufa) kwa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Oluvannyuma lw'akaseera kanene, Allah عَزَّوَجَلَّ yamuwa omukisa gw'okuddamu okulaba okutuusa bweyafa. *(Dalāil-un-Nubuwwah lil-Bayhaqi, vol. 6, pp. 479)*

Ay Arab kay chand chamka day mayri lauh-e-jabin
ho Ziya ko phir Madinay mayn nazarah Nur ka

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mulabye! Ku lw'obugabirizi bwa Allah عَزَّوَجَلَّ, Nabbi Omwaagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم amanyi ebbaanga abaddu be lyebanawangaala ate ne kki ekibetegekereddwa. Ayah nyingi eza Quran Entukuvu ziraga okumaya kwe okwa Ghayb. Wano watereddwawo ayah emu okuva mu kitundu 30, Surah At-Takwir, ayah 24, Allah عَزَّوَجَلَّ mwagambira nti:

وَمَا هُوَ عَلَى الْغَيْبِ بِضَنِيْنٍ ﴿۲۴﴾

And this Prophet is not miserly upon the hidden. Ate Nabbi ono si mukodo (mu kubuulira) ku byekweese. [Kanz-ul-Iman (Translation of Quran)] (Part 30, Surah At-Takwir, verse 24)

Sar-e-'Arsh per hay tayri guzar dil-e-farsh per hay tayri nazar
Malakut-o-mulk mayn koi shay nahin woh jo tujh pay 'iyan nahin
(Hadaiq-e-Bakhshish)

Kirambulukufu nnyo mu kyafaayo ekyo waggulu nti omusiraamu bwafuna obuzibu bwonna oba obukosefu alina okubeera omugumikiriza, afune empeera. Sayyiduna Anas رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ yagamba: Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba nti Allah عَزَّوَجَلَّ agamba, "Bwentwaala amaaso g'omuddu wange, [ate] nasigala ng'ali mugumikiriza, njakumuteeka okuyingira eJannah mu kuwanyisa amaaso ge." *(Sahih Bukhari, vol. 4, pp. 6, Hadis 5653)*

Hay sabr to khazanah-e-Firdaus bhaiyon!
Shikwah na 'ashiqaun ki zabano pay a sakay

www.dawateislami.net

8. Engamiya etiisa

Lumu omusuubuzi yalambula ekibuga ekitukuvu Makka. Abu Jaĥl yamugula ko ebintu ebimu naye teyamalayo kusasula muwendo gwonna. Omusubuzi oyo yanyiiga nnyo era nagenda eri abantu aba Quraysh nagamba, "Waliwo omuntu yenna ayinza okunsaasira namatiza Abu Jahl okunsasula?" Nga abantu basonga mu muntu eyali atudde mu nsonda emu ey'omuzikiti, abantu baagamba, "Yogera naye, ajja kkuyamba." Aba Quraysh baali bamusindise eri omuntu oyo Abu Jahl asobole okumuvuma ng'amusemberedde babeere nga banyumirwa. Omusuubuzi yasemberera omuntu oyo n'amubuulira ebyatuusewo byonna. Yasituka, nayolekera enyumba ya Abu Jahl nakonkona ku lujji. Abu Jahl yabuuliza munda w'enyumba ye, "Ani oyo?" Okwanukulwa kwajja, "Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم)." Abu Jahl yafuluma ng'atidde nnyo. Yabuuza, "Kiki ekikuleeta wano?" Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, "Lwaaki tomusasula ssente ze?" Yamuddamu, "Ngenda kumusasula kati." Olwo nno, yayingira munda, naaleeta ssente, naaziwa omutambuze naddayo munda. Abantu abamulaba babuuza, "Abu Jahl, weyisiza mu ngeri eyewunyisa ennyo. Ssi bwekiri?" Yaddamu, "Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) bweyayise erinnya lyange, natiiriddewo. Bwennafulumye, okulaba okwentiisa kwaali kuli awo. Nalabye engamiya etiisa ennyo ng'eyimiridde, gyennali sirabangako. Olwo nno, namanyirawo nti obuwonero bwange bwali mu kumugondera kasirise, awataba ekyo engamiya yandi mmize."

(Al-Khasais-ul-Kubra lis-Suyuti, vol. 1, pp. 212)

www.dawateislami.net

وَاللہ! Woh sun layn gey faryad ko pohanchay gey

Itna bhi to ho koi jo "Ah" karay dil say

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلٰی مُحَمَّد

Abaagalwa ab'oluganda abasiraamu! اَلْحَمْدُلِلّٰہ عَزَّوَجَلَّ! Ng'obuyambi bwa Nabbi wange Ow'emikisa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم bwanjawulo! Nabbi w'abantu, Emirembe eri emitima gyaffe n'obwongo, Omugabi ennyo ow'ekisa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yali ayamba abalina ennaku n'abantu abatalina buyambi, era yali ayimirira eddembe ly'abo abalyazamanyiziddwa. Okweyongerayo, Allah عَزَّوَجَلَّ naye wakisa kingi nnyo eri Nabbi we صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم kubanga amuyamba okuwangula abalabe be! Ku ludda olulala, Abu Jahl, eyali azaaliddwa nga ssi mukkiriza ate naziyizibwa okukkiriza lubeerera, era yasigala nga ssi mukkiriza n'oluvannyuma lw'okulaba ekyamagero kino n'amaaso ge gennyini.

Koi aya pa ker chala gaya koi 'umar bhar bhi na pa saka

Yeh baray karam kay hayn fayslay yeh baray nasib ki bat hay

صَلُّوْا عَلَی الْحَبِیْب صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلٰی مُحَمَّد

9. Empologoma zajja

Wuliriza ekyafaayo kimu ekirala ekinyonyola ekyamagero ekyenjawulo ekya Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم n'obuzibe bw'amaaso g'omubiri ogw'omunda ogwa Abū Jaĥl. Okuva Nabbi Omwagalwa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم bweyayita abantu

www.dawateislami.net

eri obulongoofu, abatakkiriza mu ba Quraysh bafuuka balabe be era baali bamukosa mu ngeri nyingi ez'enjawulo.

Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم lumu yagenda mu lusenyi lwa Hajun. Ng'alubirira okukozesa akakisa kano, omu ku balabe be, eyali ayitibwa Nadr yamusemberera okumutta. Bweyamusemberera صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم Nadr yatiira wo nnyo, yakyuukirawo nadduka ng'ayolekera ekibuga. Abu Jahl, ng'alaba bino byonna, yabuuza ensonga y'okudduka kwe. Yamuddamu, "Leero nnagoberedde Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) okumutemula. Bwennamusembedde, nalabye empologoma ezimu nga zisembera gyendi ng'emimwa gyazo miggule era nga ziwologoma nga ziluma amannyo gaazo olwo nno tewabaddewo kkubo lyonna lya kudduka okujjako okukyuuka." Newankubadde yali awulidde kino ekyamagero ekinene, Abū Jaĥl ow'omukisa omubi yagamba, "Eryo nalyo ddogo lya Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم)." (Allah عَزَّوَجَلَّ atwewaze) *(Al-Khasais-ul-Kubra lis-Suyuti, vol. 1, pp. 215)*

Uff ray munkir yeh barha josh-e-ta'assub akhir
Bhir mayn hath say kam-bakht kay Iman gaya
(Hadaiq-e-Bakhshish)

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

10. Abazadde bazuukusibwa

Buli muntu ayagala nnyo bazadde be kati lwaki Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم aleka okwagala abazadde be! Mu maanyi

www.dawateislami.net

agamuwebwa عَزَّوَجَلَّ, ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yakola ekyamagero ekinene ennyo okusobola okuteeka abazadde be mu Ummah ye. Soma ekyamagero kino ekiddako era ojaganye, “Imam Abul Qasim ‘Abdur Rahman Suhayli (who died in 581 AH) yanokola mu “Ar-Raud-ul-Unuf” nti Umm-ul-Mu`minin Sayyidatuna ‘Aishah Siddiqah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهَا yagamba nti Nabbi Omwagalwa era Ow’emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yasaba eDu’a, “Ya Allah (عَزَّوَجَلَّ)! Abazadde bange baddize obulamu.” Allah عَزَّوَجَلَّ yakkiriza e Du’a y’omwagalwa we Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم nateeka abazadde be nebazuukira okuva mu bafu. Bonna bombi bakkiriza mu Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم era nebamala nebaddayo mu masiro gabwe amatukuvu.” *(Ar-Raud-ul-Unuf, vol. 1, pp. 299)*

Ijabat ka sahra ‘inayat ka jora
Dulĥan ban kay nikli Du’a-e-Muhammad
Ijabat nay jhuk ker galay say lagaya
Barhi naz say jab Du’a -e-Muhammad

Abazadde ab’ebitiibwa baali bakkiriza mu katonda omu

Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم bweyali ng’akyaali mu lubuto olw’emikisa olwa mmama we, Sayyidatuna Aminah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهَا: ttata we Sayyiduna ‘Abdullah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yafa. Bweyali nga akyalina emyaka 5 oba 6 egy’obukulu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, mmama we رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهَا naye yafa, ate yalangirira obwa Nabbi bwe صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم ku myaaka 40 egy’obukulu. Wano tewali alina ku lowooza bubi nti bazadde be baafa mu mbeera nga ssi bakkiriza ate nti bali mu kubonerezebwa mu ntaana,

www.dawateislami.net

nolw'ekyo Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yabafuula basiraamu ng'abateeka okwatula Kalimah, n'abaziyiza era n'abakuuma okuva ku bibonerezo. Amazima gali nti tebasinza ngako masanamu mu bulamu bwabwe bwonna, wabula baali bakkiririza mu bwoomu bwa Allah عَزَّوَجَلَّ. Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yabateeka okuzuukiza okuva mu bafu nebasoma Kalimaĥ okubayingiza mu Ummaĥ ye.

Mujh ko ab Kalimah parha ja mayray Madani Aqa
Tayra mujrim Shaha dunya say chala jata hay

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Ekyenyanja ekirina akakwate ku Yunus عَلَيْهِ السَّلَام kijja kuyingira mu Jannah

Sayyiduna Isma'il Haqqi رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yanokola mu "Tafsir Ruh-ul-Bayan", "Sayyiduna Yunus عَلٰى نَبِيِّنَا وَعَلَيْهِ الصَّلٰوةُ وَالسَّلَام yasigala munda mu lubuto lw'ekyenyanja okumala ennaku ssatu oba musaanvu oba makumi anaa; nolw'ekyo, ekyenyanja ekyo kijja kuyingira mu Jannah." *(Ruh-ul-Bayan, vol. 5, pp. 226, 518)*

Abazadde ab'ebitiibwa bakuyingira mu Jannah

Abagalwa abasiraamu! Mukirowooze ko! Nabbi wa Allah, Sayyiduna Yunus عَلَيْهِ السَّلَام yasigala mu lubuto lw'ekyenyanja okumala ennaku ntono era olw'ekyo, ekyenyanja ekyo kijja kuyingira eJannah. Kati kisoboka kitya nti Bibi Aminah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهَا afiira mu mbeera etali y'abukkiriza era nti abonerezebwa

www.dawateislami.net

mu ntaana, asses away in the state of unbelief and is tormented in grave, ate nga mukama Sayyidunā Yūnus عَلَيْهِ السَّلَام, Muhammad Mustafa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yasigala mu lubuto lwa mmama we okumala emyeezi mingi. Amazima ddala gali nti abazadde رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُمَا ba Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم baamala buli kaseera k'obulamu bwabwe n'obukkiriza mu bw'omu bwa Allah era bakuyingira mu Jannah. Ekirala, ba jajja ba Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم bonna baali balongoofu. Okufuna okumanya okungi ku kino, tukusaba okusoma Fatawa Razawiyyaĥ, voliyumu 30, okuva ku lupapula 267 okutuusa ku 305.

Khuda nay kiya in ko bay-misl payda
Nahin dau jahan mayn misal-e-Muhammad
Khuda aur Nabi ka hay us pay to sayah
Jisay har ghari hay khayal-e-Muhammad

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

11. Embuzi enfu yazuukira nenyenya amatu gayo

Sayyiduna Ka'b Bin Malik رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ yagamba, 'Sayyiduna Jābir Bin 'Abdullah رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ lumu yajja mu maaso ga Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Yalaba obubonero bw'obunafu mu ndabika y'ekyenyi kye. Yaddirawo awaka nagamba mukyaala we, 'Leero ndabye encukacuka ku kyenyi eky'emikisa ekya Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, era ndowooza kiriwo kulw'enjala. Olinayo ekintu kyonna? Mukyala we

www.dawateislami.net

yaddamu, 'Ndayira Allah عَزَّوَجَلَّ, ssirina kintu kyonna okujjako embuzi eno n'engano entonotono.' Ye رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنْہُ yasalirawo embuzi eyo nalagira mukyaala we agifumbe n'omugaati. Emmere bweyategekebwa, yajitwaala mu maaso ga Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم era n'ajimujjulira mu bbakuli ennene.

Nabbi wa Rahmah صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yagamba, 'Owange Jābir, genda oyite abantu.' Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللّٰہُ تَعَالٰی عَنْہُ yakolera ku kyeyali alagiddwa. Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yamala nalagira, 'Mubansindikire mu bibinja ebitonotono.' Bayingira nebatandika okulya; ekibinja ekimu bwekyamala ekirala kyayitibwa nga okutuusa abantu bonna bwebaalya. Omuwendo gw'emmere tegwakenderako yadde buli omu yali alidde. Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yali alagira abantu okulya nga tebamenya magumba. Nabbi Omwagalwa صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yamala nakunganya amagumba gonna wakati w'ebbakuli, nateeka omukono gwe ogw'emikisa kungulu n'asoma ebigambo ebimu nze (Sayyiduna Jabir) byessaawulira. Awataali kaseera embuzi gyetwaali tulidde yazuukira okuva mu bafu, ng'enyenye amatu gayo.

Nabbi Omutukuvu صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم yagamba, 'Owange Jābir! Embuzi yo gizzeyo.' Nnamala nenzizayo embuzi yange eri mukyaala wange. Ng'ayewunyizza nnyo, yambuuza 'Kiki kino!' Naddamu, 'Ndayira Allah عَزَّوَجَلَّ, eno y'embuzi yennyini gyetwasaze. Allah عَزَّوَجَلَّ agizukizza ku lw'emikisa gy'eDu'ā ya Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa Prophet صَلَّی اللّٰہُ تَعَالٰی عَلَیْہِ وَاٰلِہٖ وَسَلَّم.'

www.dawateislami.net

Eyayogera Hadisi eno ayongera okutugamba nti mukyaala we yaddamu mbagirawo, 'Nkakasa nti ye صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم mazima ali Nabbi Omwagalwa Allah عَزَّوَجَلَّ.' *(Al-Khasais-ul-Kubra, vol. 2, pp. 112)*

Aik dil hamara kya hay azar us ka kitna

Tum nay to chaltay phirtay murday jila diye hayn

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

12. Abaana bazukira okuva mu bafu

Amanyiddwa ennyo ng'Omwagalwa era omwegombi wa Nabbi Omwagalwa, omumanyi omunene ennyo, 'Allamah 'Abdur Rahman Jami رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, 'Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yasala embuzi mu maaso g'abana be. Bweyamaliriza nagenda, abaana be batwaala akambe nebagenda waggulu w'enyumba ow'oluganda omukulu nagamba mutoo we, 'Katu gegeenye ttata waffe', njakukukola ko ekyo ttata kyeyakoze n'embuzi' . Ow'oluganda omukulu yamala nasiba emikono gya mutoo we wamu, nayisa akambe (akaso) ku bulago bwe era n'amujjako omutwe nagukwatira mu ngalo ze. Mmaama wabwe bweyategeera ekyali kituusewo, yadduka ng'agoba okufuna oyo omwaana we omukulu era omwaana naye yadduka mmaama we mukutya, yagwa okuva waggulu w'enyumba. Newankubadde nga yali afiriddwa abaana be ababiri, teyakaaba yadde ku kuba biwoobe kubanga yali tayagala kunyiiza mugenyi wabwe ow'ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Nokonyolwa, yabikka emibiri gy'abaana be n'olugoye, natagamba muntu yenna yadde bba we, Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ.

www.dawateislami.net

Newankubadde omutima gwe gwaali gukaaba amaziga ag'omusaayi, yasigala ng'akuuma ekyenyi ekitangaavu; era ekitemagana. Mu biseera bino eby'okugezesebwa yasobola okutegeka emmere. Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yamala najja era emmere ne bajimujjulira. Mu kaseera ako kennyini, Malayika Jibrail عَلَيْهِ السَّلَام yajja negamba, 'Ya Rasulallah (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم)! Allah عَزَّوَجَلَّ akulagidde okulagira Jābir (رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ) aleete abaana be basobole okufuna omukisa okulya nawe.' Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yalagira Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ okuleeta abaana be. Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yagendera wo nabuuza mukyaala we wwa abaana gyebaali. Mukyala we yamusaba okugamba Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم nti abaana tebaliiwo. Rasulullah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yasigala nakkatiriza nti abaana baleetebwe mangu ddala kubanga kyaali kiragiro kya Allah عَزَّوَجَلَّ. Mukyala wa Sayyidunā Jabir eyali ajjude ennaku yakutuka mu maziga amangi namugamba nti yali takyasobola kuleeta baana. Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yabuuza, 'Kiki? Lwaaki okaaba?' Ng'amutwaala munda, mukyala we yamubuulira ku lumbe olwali lutuuse wo nga bwasitula olugoye okubikkula emibiri gy'abaana babwe abafu. Ng'alaba bino, Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ naye yatandika okukaaba. Oluvannyuma, Sayyiduna Jabir رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yaleeta emirambo gy'abaana be mu maaso ga Nabbi wa Rahmah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Amaloboozi g'abantu abakungubaga gatandika okuwulirwa mu nyumba. Allah عَزَّوَجَلَّ yasindika Malayika Jibrail عَلَيْهِ السَّلَام ng'agamba, 'Owange Jibrail! Gamba omwagalwa wange [Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم] nti Rab we عَزَّوَجَلَّ

www.dawateislami.net

agamba: Owange Omwagalwa wange [Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم]! Ssaba e Du'a njakubazukiza.' Nolw'ekyo Nabbi w'abantu, emirembe gy'omutima gwaffe n'ebirowoozo, Omugabi asinga bonna era Ow'ekisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yasaba eDu'ā era abaana bombi bazuukira okuva mu bafu kulw'ekiragiro kya Allah عَزَّوَجَلَّ.'

(Shawahid-un-Nubuwwah, pp. 105; Madarij-un-Nubuwwah, vol. 1, pp. 199)

Tusaba Allah عَزَّوَجَلَّ abasaasire ate atusonyiwe awatali kubalibwa ku lwabwe!

آمِيْن بِجَاهِ النَّبِيِّ الْاَمِيْن صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم

Qalb-e-murdah ko mayray ab to jila do Aqa
Jam ulfat ka mujhay apni pila do Aqa

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Nga ekitiibwa kya Nabbi waffe omwagalwa era Ow'emikisa Rasul صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم kinene nnyo! Yaliisa ekibinja ky'abantu ekinene n'emmere ntono etaakendera nako yadde abantu bonna baali balidde. Ekirala, yasobozesa embuzi okuzuukira okuva mu bafu ng'enyenya okutu kwayo ng'asoma ebigambo eby'emikisa nazuukiza abaana ba Sayyiduna Jabir ku lw'obuyinza bwa Allah عَزَّوَجَلَّ.

Sarkar khilatay hayn Sarkar pilatay hayn
Sulṭān-o-gada sab ko Sarkar nibhatay hayn

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

Avvoola teyakkirizibwa ttaka

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Kati musome ekyafayo kino ekibulirira ekikwata ku muntu eyawakanya Obwannabi. Ojjakumanya engeri Allah عَزَّوَجَلَّ gy'asasula mu abalabe ba Nabbi we Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Sayyiduna Anas رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُ yagamba, "Lumu Omukurisitayo yasiramuka nasoma Surah Al-Baqarah ne Surah Al-e-'Imran. Yali akola ng'omuwandiisi wa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Oluvannyuma lw'akaseera, yafuuka (Murtad) naddayo mu bukurisitayo omulundi omulala, natandika okwogera ebitalimu magezi: مَا يَدْرِيْ مُحَمَّدٌ اِلَّا مَا كَتَبْتُ لَهٗ i.e. Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) amanyi byemuwandikidde byokka. Oluvanyuma lw'ennaku ntono, Allah عَزَّوَجَلَّ yamenya ensingo ye, i.e. yafa okufa okutaali kwa buli jjo.

Mikwano gye gyasima entaana nebamuziika mu, naye kumakya, entaana yamusuula ebweeru. Baagamba nti Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) neba Swahaba be (رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُم) bayinza okuba nga bebakikoze kubanga yabadduseko. Ku luno, baasima entaana eyawansi okusinga eyasooka nebamuziika mu naye neera yasuulibwa wabweeru wayo kumakya. Baddamu nebagamba nti Muhammad (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم) ne ba Swahaba be (رَضِیَ اللهُ تَعَالٰى عَنْهُم) bayinza okuba nga bebakikoze, kubanga yali abavuddemu. Omulundi ogw'okusatu, baasima entaana eyawansi ennyo nga bwebali basobola naye neera basanga omulambo gw'omufu nga guli kungulu nkeera. Olwo nno, nebakitegeera nti tekyali

www.dawateislami.net

kikolwa kyabuntu buntu, era nebaleka omulambo nga gusigadde awo mu mbeera y'emu ku ttaka.

(Sahih Bukhari, vol. 2, pp. 506, Hadis 3617)

Na uth sakay ga qiyamat talak Khuda ki qasam
Kay jis ko tu nay nazar say gira kay chor diya

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Okuwakanya okumanya kwa Nabbi kuleeta okufa okubi

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kirabye! Nti omuntu oyo atalina mukisa teyagulumiza kubeera kumpi na Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, ekinywi ekisinga okubeera ekirungi mu nsi yonna. Yafuuka mulutadi ku lw'obutaba na mukisa n'okuwakanya okumanya okw'emikisa okwa Nabbi Omwagalwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم. Nolw'ekyo, yafa enfa embi ennyo ate nettaka teryamukkiriza nerimuwandula. Kino kiraga nti okuwakanya okumanya kwa Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم kireetera omuwakanyi oyo okufafagana mu nsi ne mu Akhirat. Omusiramu tayinza kuwakanya obunene n'okumanya kwa Nabbi Ow'ekitiibwa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم; bananfuusi bokka bebasobola okukola kino. Omuntu omu yagamba mu mazima nti 'اَلنِّفَاقُ يُوْرِثُ الاِعْتِرَاض'. Obunanfuusi buleeta okuwakanya.

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

www.dawateislami.net

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Ku nkomerero y; okubulirira kwange, njagala ntwale omukisa guno okwogera ku bulungi bwa Sunnaĥ n'empisa ezimu ez'obusiramu. Nabbi wa Rahmah, Omuwolereza wa Ummah, Nannyini Jannah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Oyo ayagala Sunnah yange anjagala ate oyo anjagala ajja kubeera nange mu Jannah.' *(Mishkat-ul-Masabih, vol. 1, pp 55, Hadis 175)*

Sinah tayri Sunnat ka Madinah banay Aqa
Jannat mayn parausi mujhay tum apna banana

Ebimuli 14 ebya Madani ebikwaata ku kubuuza n'engalo

Kya Sunnah eri abasiraamu ababiri okubuzaganya nga bakwaatagana mu ngalo zabwe nga bakozesa emikono gyombi. Era batoole Salam nga baawukana ate n'okukwaatagana mu ngalo nakwo kukkirizibwa

Nabbi asinga ekitiibwa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Abasiaamu ababiri bwebabuzaganya nebakwaatagana mu ngalo nebebuuza ku mbeera zabwe, olwo Allah عَزَّوَجَلَّ assa emikisa kikumi wakati wabwe, mu gyo, kyenda mu mwenda [gi ssibwa] eri oyo eyasoose okubuuza n'essanyu erisingawo, era eyabuuzizza ku mbeera ya muganda we mu ngeri esinga okubeera ey'ekimpowooze. *(Al-Mu'jam-ul-Awsaṭ, vol. 5, pp. 380, Ḥadīš 7672)*

Ab'emikwaano babiri bwebabuzaganya nebakwaatagana mu ngalo zaabwe, nebasoma Salat-'Alan-Nabi ku Nabbi Omutukuvu (صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم), olwo ebibi byabwe eby'omumaso nebyayita bijja

www.dawateislami.net

kusonyiyizibwa nga tebannaba kwawukana. *(Shu'ab-ul-Iman lil-Bayhaqi, vol. 6, pp. 471, Ḥadis 8944)*

Bwekiba kisoboka, soma Edduwa eno nayo ng'okute mu ngalo z'oyo gwobuuza ng'osomye Salat-'Alan-Nabi: يَغْفِرُ اللّٰهُ لَنَا وَلَكُمْ i.e. Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ ansonyiwe naawe!

Edduwa esabibwa abasiraamu ababiri nga bakuwatagenye mu ngalo zabwe eyanukulwa, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ ate bajja kusonyiyibwa nga engalo zabwe tezinnaba kwawukana, اِنْ شَآءَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ. *(Musnad Imam Ahmad Bin Hanbal, vol. 4, pp. 286, Hadis12454)*

Okukwata mu ngalo zabalala kijjawo obukyaayi

Nabbi Omwagalwa era Ow'emikisa صَلَّى اللّٰهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yagamba, 'Omusiramu yenna bwabuuza muganda we ng'akutte mu ngalo ze, era nga tebewalanagana, olwo Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kubasonyiwa ebibi byabwe nga engalo zabwe tezinnaba kwawukana. Ate, omuntu yenna atunuulira muganda we omusiraamu n'okusaasira, ng'atalina nsaalwa yonna, olwo ebibi byabwe bombi bijja kusonyiyibwa ng'okutunula okwo tekkunaba kulekerawo.' *(Kanz-ul-'Ummal, vol. 9, pp. 57)*

Omuntu ayinza okukwaata mu ngalo z'omulala kakibeere mirundi emeka gyebasisinkanye.[n'oyo omulala].

Ssi kya mu Sunnah okubuza munno n'omukwaata mu ngalo ng'okozesa omukono gumu, wabula kya mu Sunnah okukozesa emikono gyombi ng'okwaata munno mu ngalo.

www.dawateislami.net

Abantu abamu webaba babuza ga bakwaata bukwaasi ku bugalo obutono; kino nakyo tekiri mu Sunnah.

Kitamwa okunywegera omukono gwo ng'omaze okubuuza n'okukwatagana ne munno mu ngalo. Ab'oluganda abasiraamu balina okwewala okunywegera ebibatu byamwe nga bamaze okubuuza n'okukwatagana n'abalala mu ngalo. *(Bahar-e-Shari'at, vol. 16, pp. 115, Mulakhkhasan)*

Bwekiba nga okubuuza ng'okukwatagana mu ngalo za Amrad (omuvubuka anyirira) oba n'omuntu yenna kireeta obwagazi, olwo nno tekkikirizibwa ku kwaata mu ngaloze. Okumutunula ko kwokka bwekiba nga kireeta obwagazi, olwo nno okumutunula ko nakyo kiba kibi. *(Durr-e-Mukhtar, vol. 6, pp. 98)*

Engeri eya Sunnaĥ ey'okubuuza nga mukwaataga mu ngalo eri nti tewalina kubeerawo kiziyiza ng'akatambaala etc. wakati; emikono gy'ombi girina okubeera nga mikalu era ekibatu ky'omu kirina okukwaata mu kibatu ky'omulala. *(Bahar-e-Shari'at, vol. 16, pp. 98)* Okusobola okuyiga enkumi n'enkumi za Sunnah, gula ebitabo ebibiri ebyafulumizibwa Maktaba-tul-Madinah, 'Bahar-e-Shari'at', Part 16 (empapula 312) ne 'Sunnatayn aur Adab' (empapula 120). Engeri emu eyamba ennyo mu kuyiga e Sunnah kwekutambula mu Madani Qafilah ezagazisa eSunnah n'abagazi ba Nabbi Omutukuvu.

Okulaba Nabbi Omutukuvu ﷺ

Dawat-e-Islami kitongole kya nsi yonna ekitali kya byabufuzi ekisomesa Quran ne Sunnah. Ku nkomerero ya Ijtimā' ey'ennaku

www.dawateislami.net

essatu ey'ensi yonna eyagazisa eSunnah eyategekebwa mu Multan, Madani Qafilah ezitabalikika ez'abagazi ba Rasūl zatambula mu byaalo ne mu bibuga okusomesa Sunnaĥ. Oluvannyuma lwa Ijtimā' eyategekebwa mu 1426, Madani Qafilah emu okuva mu Agra Taj Colony (Bab-ul-Madinah, Karachi) yatambula mu kifo ekimu nesigala mu Masjid emu nga entegeka ya Qafila bweyali. Ekiro, abatambuze bonna nga bebasse, ow'oluganda omusiraamu omupya yafuna omukisa gwe ogw'enjawulo bweyalaba Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم mu kirooto kye. Mu ssanyu eringi ennyo, yategererawo nti Dawat-e-Islami kibiina ekyagazisa Sunnah eky'abantu abalungamu abali ku butuufu era neyegatta ku mbeera ya Madanī n'emutima gwe n'omwooyo.

Koi aya pa ker chala gaya koi 'umar bhar bhi na pa saka
Yeh baray karam kay hayn fayslay yeh baray nasib ki bat hay

صَلُّوْا عَلَى الْحَبِيْب　　صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلٰى مُحَمَّد

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kilabye! Ow'oluganda omusiraamu yafuna omukisa okulaba Nabbi Omwagalawa era Ow'emikisa صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم mu kirooto kye ku lw'okubeera kumpi n'abaagazi ba Rasul. Okubeera kumpi n'abaagazi ba Rasul kirungi nnyo era kya nsusso! Kati soma ekyafayo kya Madani ekirala ekikwaata ku mikisa gy'okubeera kumpi n'abantu ng'abo era ojaganye:

www.dawateislami.net

Nnali ndaba nnyo firimu eziva ebweeru

Ow'oluganda omusiraamu omu okuva mu maje yagamba: Nnali mpangaala obulamu obujjjude ebibi era nnali nnina tteepu z'enyimba nyingi nnyo ezisukka mu kikumi. Enyimba nyingi nnyo mwezo zaali za buwemu. مَعَاذَاللّٰه عَزَّوَجَلَّ, okulaba firimu eziba ebweeru gwali muze gwange gwennali nsinga okunyumirwa n'okuwuliriza ennyimba, okusaagasaaga, okuzannya matatu etc nga mbikola buli lunaku. Nnali siri muntu mwesimbu naakamu era nnali nyiiza nnyo bazadde bange. Tewaliiyo kibi kyennali sikolangako. Olwo nayingira mu maje nebansidika okuva mu Rawalpindi ne banteeka mu Quetta.

Mu lugendo lwange, nasigala nsumbuwa abatambuze bonna mu gaali y'omukka. اَلْحَمْدُ لِلّٰه عَزَّوَجَلَّ, bwennatuukayo nasanga ow'oluganda omusiraamu owa Dawat-e-Islami. Yali ayambadde ekitambala ekya kiragala nga abeera mu Gulzar-e-Taybah (Sargodha). Yankolako kawefube wa ssekinnomu era natandika okuntwaala mu Ijtima' za buli wiiki ezagazisa Sunnah. Nga negoombye empisa ze ennungi n'okubuulirira kwe okwagazisa e Sunnah, neenenya ebibi byange byonna ebyemabega neneegatta ku mbeera ya Madanī, اَلْحَمْدُ لِلّٰه عَزَّوَجَلَّ. Ekirala, nnafuna omukisa okutambula n'abagzai ba Rasūl mu Madani Qafilah ey'ennaku 30. Nga njogera bino nkola nga Nigrān ow'ekitundu ekimu era, ndi mu kukola kawefube okwagazisa abantu okukolera ku Sunnah n'okusaala e Ṣalāĥ, اَلْحَمْدُلِلّٰه عَزَّوَجَلَّ.

www.dawateislami.net

Okwagala abalongoofu bwekireeta empeera!

Abagalwa ab'oluganda abasiraamu! Mu kirabye! Okubeera okumpi n'abagazi ba Rasul n'okwagala abantu abalongoofu kyaleeta encukacuka enungi ennene ennyo mu bulamu bw'omuntu eyali omwononefu. Nolw'ekyo, naawe luubirira okusigala okumpi n'abalungi era n'okubaagala lubeerera. Abalina omukisa okutambula mu Madani Qafilah bafuna emikisa gino gyombiriri. Okwagala abantu abalongoofu wabula kyewunyisa nnyo! Naye okwagala kuno kulina kubawo nakirubirirwa kimu kyokka; kusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ. Okwagala okuliwo olw'ebyensi oba ensiimbi oba ebitendo by'omutnu ebinene, okwogera okusanyusa, emaali, obulungi, n'ekitiibwa tekuba kwagala ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ. N'okwagala kwabazadde, abaana, oba n'abenganda abalala ab'omusaayi tebireetawo mpeera okutuusa ng'olubirira kusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ. Ng'anyonyola "okwagalwa ku lwa Allah", omunyonyozi amanyiddwa ennyo Mufti Ahmad Yar Khan عَلَيْهِ رَحْمَةُ الرَّحْمٰن yagamba, "Omuntu alina okwagala omulala olw'okusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ, ssi kulwa kuganyulwa mu bya ku nsi, ate kirina okuba nga tekirimu kweraga. Mu kino mwemuli okwagala abazadde, abaana, ab'enganda n'abasiraamu bonna ng'akakwakkulizo kali nti olina okubaagala olw'okusanyusa Allah عَزَّوَجَلَّ. Ate okwagala abalongoofu (رَحِمَهُمُ اللّٰهُ تَعَالٰی) ne ba Nabbi (عَلَيْهِمُ الصَّلٰوةُ وَالسَّلَام), سُبْحٰنَ اللّٰه عَزَّوَجَلَّ kwekwagala okusinga okubeera okwawaggulu (ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ). Nsaba Allah عَزَّوَجَلَّ atuwe omukisa gwakyo!"

(Mirat, vol. 6, pp. 584)

www.dawateislami.net

Ebirungi 8 eby'okwagala ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ

Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kugamba ku lunaku lw'enkomerero, "Bali wwa abo abayagalana ku lwa Jalal yange (obunene). Leero ngenda ku bateeka mu kisikirize kyange. Tewali kisikirize kirala leero okujjako ekyange." *(Muslim, pp. 1388, Hadis 2566)*

Allah عَزَّوَجَلَّ agamba, "Okwagala kwange kujja kubeera Wājib (kwa tteeka) eri abo abagalana ku lwange era nebatuula wamu ku lwange era nebasisinkana nebasasanya essente zabwe."

(Al-Muwatta, vol. 2, pp. 439, Hadis 1828)

Allah عَزَّوَجَلَّ yagamba, "Abo abagalana ku lwa Jalal yange, wajja kubeerawo ekituuti kya Nur nga kyabwe. Ba Nabbi n'abajulizi bajja kubegoomba." *(Tirmiżi, vol. 4, pp. 174, Hadis 2397)*

Abantu babiri bwe bagalana ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, ng'omu ku bbo ali buvanjuba ate omulala ng'ali bugwanjuba, Allah عَزَّوَجَلَّ ajja kubakunganya bombi ku lunaku lw'enkomerero era ajjakugamba, "Yoyo gwewayagala ku lwange."

(Shu'ab-ul-Iman, vol. 6, pp. 492, Hadis 9022)

Waliyo empaji ezikoleddwa mu 'ruby' mu Jannah, ezirina ebisenge ebyakolebwa mu 'emerald' ng'enziji zazo nzigule. Ebisenge bino byakayakana nga munyenye ezaaka. Abantu baabuza, "Ya Rasulallah صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم! Baani abana wangalira mu? Nabbi صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yaddamu, "Abo abagalana ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nebatuula wamu era nebasisinkana." *(Shu'ab-ul-Iman, vol. 6, pp. 487, Ḥadis 9022)*

www.dawateislami.net

Abo abagalana ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ bajja kubeera ku ntebe ezikoleddwa mu ‘ruby’ kumpi ne ‘Arsh.

(Al-Mu’jam-ul-Kabir, vol. 4, pp. 150, Hadis 3973)

Oyo yenna ayagala munne ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, nakyawa ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, naawa ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ era namma ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, alongosezza obukkiriza bwe.

(Abu Dawud, vol. 4, pp. 290, Hadis 4681)

Abantu babiri bwebaba nga bagalana ku lwa Allah عَزَّوَجَلَّ, okwawukana wakati wabwe nekutuukawo ng’omu kubbo akoze ekibi. *(Al-Adab Al-Mufrid, pp. 121, Hadis 406)* Kabonero ka kwagala Allah عَزَّوَجَلَّ nti omu bwakola ekibbi omulala alina okumuleka.

(Okusobola okufuna okumanya okusingawo, soma Bahar-e-Shari’at voliyumu 16, ompapula 217-222 ekyafulumizibwa p Maktaba-tul-Madinah.)

Okuwandiika ekifo kya Salat kiri Haram

Sadr-ush-Shari’ah, Badr-ut-Tariqah, ‘Allamah Mufti Muhammad Amjad ‘Ali A’zami رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰى عَلَيْه yagamba, ‘Kiri Fard (eri omusiraamu) okusoma Salat-‘Alan-Nabi omulundi gumu mu bulamu bwe. Mu lukungana, kiri Wajib okusoma Ṣalāt newankubadde nga yayogedde erinnya ery’emikisa erya Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم yekennyini oba ng’awulide omuntu omulala ng’alyogedde.

www.dawateislami.net

Newankubadde ng'owulidde erinnya eryo ery'emikisa emirundi kikumi mu lukungana lumu, olina okusoma Salat buli mulundi. Omuntu bwayatula oba bwawulira erinnya eryo ery'mikisa ate natasoma Salat mu kiseera ekyo, alina okujisomera mu kiseera ekirala. Omuntu bwawandiika erinnya ery'emikisa erya Nabbi Omutukuvu صَلَّى اللهُ تَعَالٰى عَلَيْهِ وَاٰلِهٖ وَسَلَّم, abamanyi abamu bagamba nti kiri Wajib okuwandiika Salat kumpi n'erinnya ery'mikisa.

Ennaku zino, abantu abasing basalako Ṣalāt-'Alan-Nabī nebawandiika buwandiisi صلعم, عم, ..ؐ.., ..ؐ.. , oba (Saw) oba (Pbuh). Kino tekikkirizibwa era kiri Ḥarām. Mu ngeri y'emu abantu abamu bawandiika ..ؐ.. ne ..ؐ.. mu kifo ky'okuwandiika رَضِیَ اللهُ تَعَالٰی عَنْهُ ne رَحْمَةُ اللهِ تَعَالٰی عَلَيْه. Kino kirina okwewalibwa.' (Baĥār-e-Sharī'at, ekitundu 3, pp. 101-102) Bwoba ng;owandiika erinnya eritukuvu erya Allah عَزَّوَجَلَّ, taowandiika buwandiisi ..... nalyo. Wandiika ..ا.. ne ..... mu bujjuvu. Luvannyuma lw'okusoma ekitabo kino, oyinza okwagala okumanya akiwandiise. Kyawandiikibwa Sheikh era Omumanyi omunene ow'ekyasa ekya 21st, 'Allamah Maulana Abu Bilal Muhammad Ilyas Attar Qadiri Razavi دَامَتْ بَرَكَاتُهُمُ الْعَالِيَه. Yeyataandika Dawat-e-Islami (ekibiina eky'ensi yonna ekitali kyabyabufuzi ekisomera Quran ne Sunnah) esomesa enjigiriza y'obusiraamu mu mbeera z'obulamu ezisukka mu 93. Bwoba ng'oyagala okumanya ku Mutandisi wa Dawat-e-Islami, ebitabo bye n'emikono gya Dawat-e-Islami egy'enjawulo, laambula webusayiti eno: www.dawateislami.net

www.dawateislami.net

Era, Dawat-e-Islami esaasaanya obubaka bw'obusiraamu mu nsi yonna ngeyitira mu Madani Channel, tivi ng'eri 100% y'abusiraamu. K'obeere wwa wonna mu nsi, bwoba ng'oyagala okulaba Madani Channel, olwo goberera furiqweensi (frequencies) eziweereddwa. Bwoba ng'oyagala kwogera naffe, yitira mu emayilu eno: overseas@dawateislami.net

Madani Channel – Satellite Frequencies

Modulation: QPSK

Satellite	Coverage	Downlink Frequency	Symbol Rate	Polarization	FEC
Asia sat 3S	Asia	3739 MHz	2815 Msps	Vertical	3/4
Astra 2F	UK	12640 MHz	22000 Msps	Vertical	5/6
Intelsat 20	Africa Region	12562 MHz	26657 Msps	Horizontal	2/3
Eutelsat 7 West A	Middle East Region	10815 MHz	27500 Msps	Horizontal	5/6
Galaxy 19	USA Region	11960 MHz	22000 Msps	Vertical	3/4

www.dawateislami.net